# Museveni ayogedde eri eggwanga ku bulwadde bwa Ebola

Bya MUSASI WAFFE

PULEZIDENTI Museveni ayogedde eri eggwanga ku bulwadde bwa Ebola obwazinda eggwanga n'annyonnyola nti, abantu 19 bokka be baakazuulibwamu obulwadde buno nga 14 ku bo baava DR Congo.

Omukulembeze w'eggwanga era alangiridde nti, Gavumenti ya Uganda n'eya DR Congo obulwadde gye buva zakkaanyizza okussaawo ebifo 4 ebijjanjaba abalwadde ba Ebola nga biri ku ludda lwa DR Congo okuyamba mu kujjanjaba Abakongo baleme okusala ensalo ya Uganda nga balina obulwadde.

Bino Pulezidenti Museveni yabyogedde asinziira mu maka g'Obwapulezidenti e Ntebe n'ategeeza nti mu nnaku ttaano eziyise, tewali muntu yenna azuuliddwaamu bulwadde buno.

Mu kwongera kwe eri eggwanga ku bulwadde bwa Ebola, Pulezidenti yagambye nti, ku bantu 19 abaakazuulibwamu Ebola, babiri bokka be baakafa obulwadde okuli ne munnansi wa DR Congo eyafiira e Kibuli.

Yagambye nti, obulwadde bwa Ebola bwangu bwa kujjanjaba omuntu n'awonera ddala n'annyonnyola nti ku bantu 19 abaakazuulibwamu obulwadde buno, 5 baawona okuli n'omukazi Omucongo eyajja n'omusajja eyafiira e Kibuli.

Museveni yategeezezza eggwanga nti, obulwadde bwa Ebola obutafaanana nga Covid 19, bwangu nnyo okulwanyisa kubanga busaasaanyizibwa kukwata ku mulwadde nga buyita mu malusu, ebisesemye, entuuyo n'enkwaso.

"Ebola asobola okusigala mu nkwaso z'omusajja okumala emyezi 9", Museveni bwe yagambye n'alabula abantu okwewala ebintu byonna ebisaasaanya Ebola omuli okukwata mu ngalo, ka kube okubongako nga abantu abamu bwe bakola.

Museveni yagambye nti, mu kiseera kino Ebola talina ddagala limugema kyokka ng'asobola okujjanjabwa, abasawo ne bakola ku kulwanyisa n'okulemesa akawuka okutaataaganya omubiri nga bayita mu kwongera amazzi mu mubiri n'okukkakkanya omuliro mu mubiri.

Ku nteekateeka ey'okussaawo ebifo eby'okujjanjaba abalwadde ba Ebola mu DR Congo, Museveni yagambye nti, Uganda egenda kuyambako Gavumenti ya DR Congo ng'egiwa abakugu okujjanjaba abalwadde awatali kubakkiriza kusala nsalo.

Yagambye nti, Uganda yasalawo dda okuyimiriza entambula y'abantu okusala ensalo n'agamba nti, kati bakkiriza byamaguzi kubanga mmotoka z'ebyamaguzi zo zeetaaga abantu babiri bokka (ddereeva ne Turnboy) era bo bangu baakulondoola.

Minisita w'ebyobulamu, Dr. Chris Baryomunsi yannyonnyodde nti, tewali nteekateeka ya kuggala masomero oba amasinzizo.

Yasabye abantu okugoberera amateeka n'ebiragiro ebyabaweereddwa ku kulwanyisa obulwadde buno.



Museveni ng'ayogerako eri eggwanga ku bulwadde bwa Ebola.